

10th July 2016.

OBUKULU BW'OKULINDIRIRA MUKAMA.

Lubereberye 16.

Mu ssuula yaffe eno lwakuba tubuulirwa gyeggweera nti Ibulaamu yalina emyaka 86, nkiwa nti etandika alina emyaka 85, olwo nga wayise emyaka 10 bukya Mukama amusuubiza nga bwe twaalaba omulundi oguwedde mu ssuula ey'ekkuminattaano, okumuwa ezadde lyaalyaaza ennyo abawe n'ensi eyo yonna mwe baali.

Na bwegutyo tubuulirwa mu nnyiriri zino nti Salaayi muka Ibulaamu yalaba ebbanga liyise gwanvu nnyo eri okutuukirizibwa kw'ekisuubizo kya Mukama eri bba, kwekubaako kyaayiiya, ekyali kikkirizibwa mu bulombolombo bw'ebiro ebyo, nti Mukazi mukulu mu nju kasita teyazaalanga yasobola okuwanga bba omu ku bakozi be amuzaalire, era omwana abalwenga owa bannyinimu.

Bwe tusoma okuva ku Inny.1 – 6.....

Wadde kyaali kikkirizibwa ng'empisa y'ebiro ebyo, ssi kwe kwaali okwagala kwa Mukama eri Ibulaamu, era ebyaakiviramu byalagirawo nti baali bakubye bbusu.

Kye baalina okkola era eky'okuyiga ekikulu gyetuli kwe kuba nti bandigumidde embeera gyebaalimu obugumiikiriza bwaabwe ne bubaleetera okutuukirizibwa nga bwe tubuulirwa mu Baruumi 5:1 – 5 nti.....

Nti nga bwe twaalaba mu mulamwa gwaffe oluwedde nti Ibulaamuu yali aweereddwa obutuukirivu olw'okukkiriza, nga wayise emyaka kkumi kyaali kimugwaanidde okweyongera mu kukkiriza okwo era nga bwe twaabuulirwa nti omutuukirivu alibaawo lwa kukkiriza. (The Just shall live by Faith).

Naye olw'okulemerwaako mukazi we, tulaba Ibulaamu atendeyerwa naawuliriza mukyala we okusinga okuda eri Mukama okukakasa oba bwekyandibadde kikulwa okumufunyisa ezadde lye yali amusuubizza, ogutaali bwegutyo nga bwe tunaalaba mu ssuula eddako. Yakobo 1:2 -8 zigamba.....

Wewaawo okuviira ddala ku kufunwa kw'olubuto lwa Agali kiragirwaawo nti omwana we taliba wa Salaayi mukamaawe nga bwe baali balowoozezza bweguliba, era Salaayi ng'erinnya lye bwe lyaali (Okukontana) yakaayuukira bba

n'amugamba...[Inny.5]. Okukakkana ng'atulugunyizza Agali, naye naasalawo okutoloka...

Mu kudduka kwe okuva eri Mukamaawe, nkiwa ng'alabika addayo e Misiri, ali mu ddungu tubuulirwa okuva ku Inny.7 -14 nti.....

Wano we tulabira ekisa kya Mukama ekingi, nti mu kaseera k'okusoba kw'embeera mu nju ya Ibulaamu, Yesu Kristo yakka nga Malayika wa Mukama ono, nga bwe kikakasibwa okuba. Kubanga ne mu Inny. 13 Agali akyasanguza nti.....

Naamusisinkana amuzze mu kkubo ettuufu erinaaleetera ne bakamaabe okubuulirirwa, basobole okweyongera essuubi, wadde kiribatwaalira emyaka emirala 13 okufuna okutuukirizibwa okubagwaanidde okufuna ekisuubizo kya Mukama gyebali.

Yakakasa Agali nga bwe yali olubuto lw'obulenzi gwalina okutuuma Isimayiri eritegeeza nti "Mukama awulira" (God hears). Era obunabbi bwamuwa ku mwana oyo na leero tubulaba mu bazzukulu be abawarabbu ng'olnny. 12 bwe lugamba...

Naye mu byonna kwe kuba nti bw'ayitwa erinnya eritegeeza nti 'Mukama awulira' Ibulaamu ne Salaayi baalina okulimirizibwa nti ddala olaba asisinkana omukozi omumisiri mu ddungu ng'anaatera okufa kubanga mazima olugendo lw'omukazi ali olubuto ali yekka mu ddungu lwaali lwa kabenje eri obulamu bwe. Olwo bbo abali mu bugagga bw'ebisuubizo bye taayinze kubawulira n'abaddamu?

Kye kibuzo gyetuli leero mu mulamwa gwaffe gw'obukulu bw'okulindirira Mukama, nti bwe guba nti atuwadde okutuukirizibwa gyaali olw'okumukkiriza ng'omulokozi era Mukama w'obulamu bwaffe, tekiisingewo ate bwe tunaamukoowola kubanga kwe kutegeeza kw'okumusinja mu mwoyo ne mu mazima mu buli mbeera y'obulamu bwaffe, ne kituzza gyaali era ne kitubeesa ddala ababe, era nga bwe gwaali eri omukazi omulala Yesu gwe yasisinkana ku luzzi olulala mu Yokaana 4.

Baruumi 8:22 -25 zigamba nti.....

Olwa'32 lutugamba nti bw'aba teyeesigaliza mwana we n'amuwaayo ku lwaffe, olwo taatuwe buwi bintu byonna awamu naye? II Petero 1 we zitukakasa nti tuweereddwa byonna eby'obulamu n'obutuukirivu mu Yesu Kristo Mukama waffe. Nny.2,3 zigamba nti "ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe, kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye;